**Ekyokubulira abali mu protectorate Yebuganda ebigamo bya mongota / [Albert R. Cook].**

**Contributors**

Cook, Albert R.
London School of Hygiene and Tropical Medicine

**Publication/Creation**

Entebbe : Government Press, 1906.

**Persistent URL**

https://wellcomecollection.org/works/xw4yv6ma

**Provider**

London School of Hygiene and Tropical Medicine

**License and attribution**

This material has been provided by This material has been provided by London School of Hygiene & Tropical Medicine Library & Archives Service. The original may be consulted at London School of Hygiene & Tropical Medicine Library & Archives Service. where the originals may be consulted. Conditions of use: it is possible this item is protected by copyright and/or related rights. You are free to use this item in any way that is permitted by the copyright and related rights legislation that applies to your use. For other uses you need to obtain permission from the rights-holder(s).

Wellcome Collection
183 Euston Road
London NW1 2BE UK
T +44 (0)20 7611 8722
E library@wellcomecollection.org
https://wellcomecollection.org

Hodges

P.206

4

LONDON SCHOOL OF
LIBRARY
TROPICAL MEDICINE

# EKYOKUBULIRA ABALI

Instructions for the natives

# MU

in the

# PROTECTORATE YEBUGANDA

Protectorate of Uganda

# EBIGAMBO

with regard

# BYA

to

# MONGOTA

Sleeping Sickness

*(Revised Edition.)*

1906

*Printed at the Government Press, Entebbe, Uganda.*

LONDON SCHOOL OF
LIBRARY
TROPICAL MEDICINE

# Ekyokubulira Abali Mu Protectorate Yebuganda

## Ebigambo Bya Mongota.

1. Obulwade bwa Mongota lero bwakamaze emyaka etano okubonereza era nokutisa abantu abali mu Protectorate Yebuganda era okusinga abo abali ku lubalama lwenyanja mu Buganda ne mu Busoga; era ne mu naku zino abali ku nyanja Muta Nzige munsi ya Bacope.

2. Abaganda Nabasoga nkumi nenkumi bamala okufa era webali bangi abalwade lero. Webali abantu bangi abagasa enyo munsi nga abavubi era nabavuga ba mato, era Nabasese era nabo abagulana nabali ku bizinga lero abatufudeko.

3. Abensi bona abamagezi abasako omwoyo ku bigambo bina, tebaleme kutegera nga ensi eterimu bantu teba nungi, era nga abantu bwebeyongera okubera bamanyi era nabalamu era nabangi, bwetyo ensi bweyeyongera okubera nungi kulwayo era ne kulwabantu bayo: so si kulwa bensi boka era naye kulwa Bazungu abali munsi muno. Abantu kyebanava bategera ensonga eyagaziza Abagavumenti okuziiza obulwade buno obutabuna, ere nokulokola abantu era nokulongosa ensi yabwe bagitulemu bulungi. Era banategera Abadaki kyebava batuma omu ku basawo babwe abasinga amagezi, era nebawayo ebintu bingi okugezako okuziiza obulwade obwo obutagenda munsi yabwe era.

4. Mongota bweyatanula okuja mu bantu abensi, tewali yamumanya bulungi, tebamanya gyeyava newakubade abantu bwabakwata, era Nabazungu nabo tebamanya nyo bulwade obwo. Abagavumenti kyebava bawayo ebintu bingi, era Nabazungu abagavumenti bangi bamala ebanga dene nga banyikira nyo okufuna amagezi nga bwebainza okuziiza era nokuwonya obulwade obwo.

5. Naye tusalidwa nyo kubanga tebanaba kuvumbula dagala eriwonya obulwade obwo era tulowoza nga abantu balilwawo okulivumbula. Naye tukyanyikira nyo okulivumbula era ne lero tumaze okumanya bingi ku bulwade

obwo byetuinza okukakasa dala, era kyetuva tusubira okuinza okuziiza abantu obutabakwata, era ne mu biro ebigenda okuja okuinza okuziiza obulwade obuteyongera kubuna nga bwetulabye bwebwabuna mu myaka gino etano egiise.

6. Naye kye kizibu enyo okubera abantu abatayagala kwebera, era kinabanga kizibu nyo okubera abensi abo obutalwala mongota abatainza kutwesiga era nokugezako okutubera akatono okubakuma. Naye tusubira nga amawanga agasinga amagezi, era nokusinga Abaganda be nyini abatumanyira obulungi, banagezangako okutwesiga era nokutubera okukola emirimu gyetutegera egiinza okuziiza obulwade obwo, era nokutukiriza emirimu gyona egiva mu magezi ago getunyikira enyo okufuna.

7. Ku fe abazungu waliwo batono nyo abalwala mongota ne mu naku ziri nga tetunaba kumumanya na katono, era ne lero nga tumaze okuiga amagezi, tetubusabusa wabula nga tunainzanga okuwekuma obulungi era ne kufe waliberawo batono abalimulwala Eya abo kufe abali mu kabi akanene kubanga babera awamu nabalwade mongota balioke bakebere obulwade obwo abanyikira okwekuma tebatera kumulwala kyemunavanga mutegera nga tetwawayo bintu ebyo byona nokunyikira okwo kwona tulioke twekume obwekumi, wabula tulioke tukume abo bananyini nsi. Naye era nga bwemaze okubagamba abali munsi bwebalimala okufuna amanyi, era nobulamu, era bwebalimala okwala, ensi eriba nungi gyetuli era ne gyemuli.

8. Mongota bweyatanula okubuna, abantu bona balabye nga bwembategezeza wagulu, nti Abazungu bali tebatera kumulwalako, ne lero tutegede nga ensonga zoka ezibalobera obutamulwala, kubanga batera okwambala engoye nyingi, era ne kulwemirimu gyabwe nempisa zabwe, era nokusinga kubanga batera okusawa amabanga amagazi okwetolola webasula, era ne gyebakolera emirimu, era ne gyebatundira, era ne webatambulira, kyebava balema okulumwa enyo ebivu.

9. Naye obanga Abazungu bainza okuwona emirundi mingi, tutegerede dala nga abensi bangi bandiinziza okuwona, singa bategera amagezi gakwo, era singa bakiriza okukwata empisa enungi nga amagezi gabwe bwegali.

10. Kale kyenva njagala okubategeza amagezi aganainzanga okubalokola abangi, era nsubira nga bananyikiranga nyo nga bwebanainzanga okukwata amagezi ago.

11. Kyenva nsoka okubategeza nga bwenainza mpolampola byetumaze okutegera ku mongota, era ne ku kivu kye nyini, era nengeri abantu bwebalwala obulwade obwo.

12. Ebivu enaku zona byaberanga wamu nafe awatali kubusabusa, naye okuinza byali tebiinza kutuletera bulwade, era ne kakano tebiinza wabula nga bwebyamala okuluma omuntu alwade mongota.

13. Kale oluberyeberye byali tebiinza okutulwaza kubanga tewali abalwala mongota bebyainza okuluma. Naye oluvanyuma, mpozi lero emyaka gyaise nga musanvu oba munana oba okusingawo kasokede omuntu alwala mongota yaja munsi muno ngavude munsi awali mongota, era naleta obulwade obwo mu musaigwe. Tumanyide dala nga ekyo kiinzika, kubanga twamala okulaba ekigambo ekyo munsi endala, naye abayo baweredwa omukisa kubanga tewali bivu munsi ezo, nobulwade nokweyongera nebuteyongera. Tumanyi nga obulwade buinza okumala ebanga dene nga buli mu mubiri gwomuntu, mpozi buinza okumala emyaka mingiko, omuntu ye nyini nga tanaba kulwala nyo. Kale omulwade oli, (oba mpozi webali bangiko) yaja natula munsi muno, mpozi mu Busoga, mpozi mu Kyagwe oba mu kifo ekirala, tetuinza kutegera gyeyabera: naye tumanyi nga yabera awali ebivu era bweyalwala, bweyali nga tanaba okufa oba okuvayo, yasiga obulwade obwo mu bivu ebingi ebyamuluma, era nabyo nebisiga abalala olwokubaluma.

14. Tewali ainza okumanya eyasoka okuleta obulwade obwo, obanga Muganda, obanga Musoga eyatambula okutuka ku muga Kongo, obanga Munubi, oba omuntu omulala eyava eyo, oba omudu gwebaleta, naye tumanyi nga Abekongo bamala emyaka mingi nga balwade mongota kyetuva tulowoza nga yava eri okuja gyetuli.

15. Abantu aboluberyeberye bwebalwala nebafa nga tewali ainza okutegera engeri yendwade yabwe, kubanga tewali eyamala okubulabako eda, naye buli muntu eyalwala yasiga ebivu bingi, nebyo byasiga abantu abalala bangi, era oluvanyuma bangi bwebalinga balwade nebafa mungeri emu,

abantu nebatanula okwebuzaganya nti "buno bwe bulwade obugya era nabo bona ababulwalako batera okubongota nyo era nebafa oluvanyuma" Abaganda kyebava baita obulwade obwa Kubongota oba Mongota.

16. Kale era tetuinza kusubira kuwona nobutakwatibwa bulwade nga tetunaba kutegera bwebusigibwa, naye oluvanyuma tuinza okusubira okubuwona; kyenva njagala abantu bona okunyikira nyo okutegera ekivu bwekiinza okugya obulwade ku muntu omu nokubusiga abalala, era nagezako okubategeza ekintu ekyo ekibutwala nekyetuita okusigibwa bwekiri.

17. Okusigibwa kuno kawuka katono akalamu, katono nyo bwekati nga ekivu ekimu kiinza okubera nobwo nkumi nenkumi: so obutono obwo si bwa kitalo, kubanga obuwuka webuli bungi nyo obumanyibwa Abazungu obusinga enyo obuwuka buno obutono.

18. Akamu kwabwo bwekaingira mu muntu kabera kalamu nekeyongera okuzala bunabwo mu musaigwe ne mu nsanjabavu ne mu bitundu ebirala oluvanyuma nebubera nga obusagwa nebumu'ta. Mazima obuwuka obwo bwe busagwa obulamu. Endwade endala nyingi ziva mungeri eno, naye tuweredwa omukisa kubanga tezitera ku'ta nga mongota.

19. Kale obuwuka buno obutono bubere obulamu ne mu musai gwomulwade (naye tebutera kuberamu bungi) bwekityo ebiwuka byona ebiluma omulwade nebinywa omusaigwe, olusi birinywa ne ku buwuka buno obutono: naye mu biwuka byona wabula mu kivu kyoka obuwuka buno obutono bufa mangu, ebiwuka ebyo nga tebinaba kubera nenjala nga byagala okuluma ate. Naye mu bivu obuwuka buno buwangala, era tetunaba kutegera kisera kyebuwangala, era bwebiluma abantu oluvanyuma, biingiza obuwuka buno mu musai gwabwe, nabo nebasigibwa, era oluvanyuma olusi mangu nolusi ebanga nga liise dene nebalwala mongota. Naye, mpozi mulibuza nti Mutegerede ku ki nga obuwuka buno obutono bwebuleta mongota. Tumanyide dala obutabusabusa newakubade nga tulude nyo era twawayo ebintu bingi okufuna amagezi ago.

20. Kyetuva tutegera ekigambo ekyo, kubanga buli muntu alwade mongota alina obuwuka buno muye era tuinza okubulaba, songa tetuinza okubulaba mu bantu abalala. Olusi

tubulaba mu bantu abafanana okubera balamu dala, naye oluvanyuma nate, olusi ebanga nga lyamala okuita dene nyo abantu abo nebalwala mongota.

21. Era tumanyi nti bwetutwala ku musai gwomuntu alina obuwuka buno obusiga mongota netuguingiza mu kisolo nga efukuzi eryengeri emu oba nkima, efukuzi eryo oba enkima eyo eja okulwala mongota netugenda okulaba mu musai gwayo obuwuka obwo obusiga mongota obutaliwo oluberyeberye.

22. Tutegerede ku ki nga ebivu byebitwala okusigibwa okwo? Tutegede kubanga abalwade mongota bagenda munsi endala awatali bivu era nga tewali mulala wabula abalwade bali bakwatiba obulwade obwo. Era tumanyi ekyo kubanga bwetutwala ebivu netubinywesa omusai gwomuntu alwade mongota, era oluvanyuma tubilumisa ku nkima oba ku fukuzi eryengeri gyembagambye, enkima eyo oba fukuzi eryo eja okulwala obulwade obwo nga bweyandilwade singa twatwala ku musai gwomulwade netuguingiza mu musai gwe kisolo: oba bwetukwata ebivu mu kifo awali abalwade mongota netubilumya efukuzi oba nkima eryengeri eri, ekisolo ekyo tekirirema kulwala bulwade bwekityo.

23. Ate bwetukwata ebiwuka ebirala ebyengeri zona ebiluma bwebityo, netukola nga bwetwakola ne kivu, tetuja kuinza kutwala obulwade nebiwuka ebyo byona ebirala. Era nga bwetweyongera okutegera ebingi, bwetutyo bwetweyongera okukakasa ekigambo ekyo nti tewali birala wabula ebivu byoka ebiinza okutwala obulwade obwo, era nga abantu tebainza kulwala bulwade obwo wabula nga kalumidwa ebivu.

24. Abadaki kubanga bamanyi ekyo, era kubanga abasawo bona abamagezi munsi zona bakiriza ekyo, kyebava batya obulwade okubunya abantu babwe mu matwale gabwe age Busukuma nensi endala, kubanga bamanyi nga mu bifo ebirala ebivu gyebiri bingi, naye baweredwa omukisa kubanga okutusa lero tewali alwade mongota eyagendayo.

25. Engeri endala ezebivu gyeziri ezitali engeri yafe eye Buganda. Tumanyi nga bino bitwala obulwade obulala obufanana nga mongota, nebisiga embalasi nente, nensola endala, naye obulwade obwo si mongota. Tetunaba kukakasa

nga ebivu bino tebiinza kutwala era ne mongota, naye tulowoza nga tebiinza, kubanga mongota tabunanga munsi ezo awali ebivu ebyo, era awatali ebivu bye Buganda.

26. Kale tumanyi nga ebivu byebitwala obulwade obwo nga bibugya ku muntu omu okutwala ku muntu omulala, era nga tewali biwuka birala ebiluma mu Buganda ebiinza okubutwala.

27. Era tumanyi nga abantu bebatwala obulwade buno okubugya mu kifo ekimu nokubutwala awalala, kubanga ebivu tebitera kutambula wala okuva gyebyazalibwa. Naye omuntu bwatwala obulwade mu kifo awatali bivu tebuinza kukwata abalala. Twamala okutegera ebifo awali abalwade ba mongota abangi, naye tewali bivu, naye enaku zona nga tumaze okukemereza nyo abantu, twategera nga abalwade bona mu biro ebyeda bali baise awali bivu. Era ebifo ebyo bwebyali nga biri wala nebifo awali bivu, abalwade basinga kubera basaja, kubanga bo be batera okutambula enyo, era nababadirira be bakazi abatambula akatonotono, naye abana abato abalwade be batono, kubanga bo tebatera kutambula wala.

28. Kale ebivu byona singa bya'tibwa, singa tewali muntu yandilwade mongota ate. Naye kubanga tetuja kuinza okubi'ta byona, kye kirungi okulowoza bwetunainzanga okukola kubwafe.

29. Tumaze okutegera nga ebivu byali tebiinza kulwaza bantu okutusa abalwade ba mongota bwebaja, era nga abalwade ba mongota tebainza kulwaza balala wabula nga balumidwa ebivu. Era tumaze okutegera nga Abazungu tebatera kulwala mongota kubanga tebatera kulumibwa bivu. Ebigambo ebyo bikulu kubanga bitulaga engeri emu eyobutalwala mongota era nokuziiza okusigibwa obuteyongera. Ndowoza nga buli muntu aja okutegera nga ekigambo kimu kyekitugwanira okukola kwe KUZIIZA EBIVU OBUTALUMA ABALWADE.

30. Tetuja kuinza kuziiza ebivu byona obutatuka ku balwade bona, naye bwetunagezangako tunainzanga okuziiza ebivu bingi obutaluma balwade bangi, era bwetunanyikiranga mu kigambo kino, oluvanyuma abantu abanalwalanga mongota mu biro ebigenda okuja banabanga batono.

31. Kale abalwade emirundi mingi tebainza kwebera nyo, era bwetwagala okuziiza ebivu obutabaluma *tunamala gabaziiza obutagenda ebivu gyebibera.* Kale tulowoze obanga ekyo kinainzika era obanga tunainza okukikola.

32. Ekigambo ekyo kye kimu nokugamba nti kitugwanira okuziiza abalwade obutatuka awali madzi kubanga tumanyi nga ebivu enaku zona bibera kumpi namazi mu bifo awali ekisikirize ekinene. Tebyagala kubera mu mabanga amagazi awatali miti mingi, era awatali bisaka newakubade bibira. Okusinga byagala kisikirize kyebisaka, era tebija kuva ku mazi okuita ewala awali amabanga amerere awatali kisikirize. Kwe kugamba nga tutegede nga tebiinza kubera awatali kisikirize okumpi namazi.

33. Mu buli kyalo awali mongota, era awali ebivu kumpi namadzi abalwade kibagwanira okubera awatali kisikirize era wala na madzi. Kibagwanira okuganirwa dala okugenda ku madzi, era namadzi gona gebaba nga betaga kibagwanira okubaleterwa banabwe oba abantu abalala abali mu kyalo ekyo. Mu byalo bingi abalwade tebaja kutwalibwa wala, mpozi ebanga lya bifuba bikumi bibiri oba bisatu, oba mpozi okutwalibwa ku mabali golusozi oluli okumpi. Ekigambo ekyo kija kubera kirala kulwa buli kyalo nga bwekiri, naye tekija kwawula balwade okubagya ewabwe awali mikwano gyabwe.

34. Naye mpozi muligamba nti "Tetuinza kutegera bantu bwebalwade mongota nantiki," ekyo kya mazima, naye bwebaliba nga balwade nyo, era buli muntu yena ainza okutegera nga balwade, mu kisera ekyo bwebatera okugalamira nokwebaka okuva enkya okutusa kawungezi, era bwebaliba nga bali kumpi namazi, ebivu byona nebibaluma nebitwala okusigibwa okusiga abalala bangi. Kale tuinza okuziiza ekigambo ekyo obutabawo, era bwetutyo tuja okuziiza ebivu obutatwala obulwade obwo.

35. Obanga mu buli kyalo awali ebivu abantu bakiriza okukola bwebatyo, tetubusabusa wabula nga abantu bangi baja kuwona obutafa.

36. Naye ekigambo ekyo tekimala bigambo byona byetunainzanga okukola era byekitugwanira okukola. Maze okubabulira bwemuinza okuziiza ebivu obutaluma balwade, naye kubanga tetuinza okutegera enaku zona nga abantu ki abatwala

okusigibwa okwo, kubanga abantu emirundi emingi tebalwala nga ebanga telinaba kuita dene kasokede balumibwa ebivu, era kubanga ebivu webiri bingi, era newakubade nga ebivu ebirina okusigibwa tebija kubera bingi mu kifo kimu, naye tetuinza kutegera bwebiri ebirina obusigibwa, kulwensonga ezo zombi kyekiva kitugwanira enyo okuziza ebivu obutaluma balala era nabatali balwade.

37. Katulowoze bwetunainzanga okukola ekyo.

38. Tuinza okukikola bwetulekayo okusula okumpi namadzi netutasula awali ebivu ebingi enyo. Kubanga sikibi kuinza kulumibwa nga mugenda emuga yoka nga okubera nebivu enaku zona nga gyebiri ewamwe. Naye ekyo kyoka tekimala. Tumaze okwogera nga tetuinza ku'ta bivu byona, naye tuliko kyetuinza okukola okubikendezako era nokubigoba: kyekiva kitugwanira okusoka okulowoza nga bwetunainzanga okukola bwetutyo, era ne mu bifo ki mwetulisinga okukola bwetutyo.

39. Entebbe kumpi ne nyumba ya Balozi enaku tezinaba kuita nyingi kasokede wabawo ebivu ebingi, naye lero emiezi giise ena kasokede bainza okulaba ekivu ne kimu mu bifo ebyo gyebali bakwata ebikumi nebikumi mu naku eziise. Ensonga ye kigambo ekyo ino, kubanga twamala okusawawo ebibera byona era nebisaka byona ebiri ku lubalama lwe nyanja, era bwetutyo twamala okugyawo ebisikiriza, nebivu okuinza nga tebikyainza kuberawo, kyebyava byona byamala okufa oba okugenda awalala. Kyetuva tutegera nga tunainzanga okubigoba noku'ta bwetutyo ne mu bifo ebirala.

40. Kale tetuinza kugyawo bisagazi byona era nebisaka byona ebyetolola enyanja yona, kyekiva kitugwanira okulowoza ebifo ebyo byebirimu ebivu gyebisinga okukolera abantu obubi. Kubanga mu bifo ebyo byekitugwanira okunyikira okubigyawo. Kale ebifo ebyo bye bifo gyebinasinganga okulumira abantu abasinga obungi.

41. Era ebifo abantu abasinga obungi gyebaliinza okulumirwa ze nyumba era ne byalo ebiri okumpi namadzi, emiga, abantu abomukyalo, oba abomukisulo, oba abomunyumba gyebagenda okusena amadzi: era ebifo amato gyegatera okugoba, oba gyegaterekebwa: era nobutale obuli okumpi ne nyanja

nemyalo gyona, era namakubo agaita okumpi namadzi: era ozusinga amakubo agava mu nyanja negagenda mu bifo ebyo byetwogedeko engulu.

42. Kale mu bifo bino kitugwanira okunyikira okugyawo ebivu, oba okubikendezako obungi bwabyo. Era okukola bwekutyo tewali ekisinga okusawa ebibera byona nebisaka byona ebiri ku mabali ge nyanja mubifo ebyo, era nokutema amakubo amagazi enyo okuva ku bifo ebyo okutuka ku byalo oba ku butale oba kungudo eziri kumpi.

43. Kale kakati maze okubategeza ebigambo ebikulu bibiri bwekibagwanira okukola:—

(1) Okuziiza ebivu obutaluma abalwade mongota, era

(2) Okugezako okukendeza ku mwendo gwebivu mu bifo ebyo abantu gyebanasinganga okulumirwa: okuziiza ebivu obutaluma abalamu so si kubiziiza obutaluma abalwade boka.

44. Okutukiriza ekigambo ekyoluberyeberye kitugwanira obutakiriza abalwade kugenda kumpi namadzi era nokubaletera amazi gabwe gebanetaganga.

45. Okutukiriza ekigambo ekyokubiri kitugwanira okusawa ebibera byona era nebisaka byona ebiri kumpi nenyanja, mu bifo ebyo walioke wabere banga eryebigere nga kikumi oba bikumi bibiri obuwanvu ku mabali genyanja era nobugazi bwa bigere nga amakumi atano oba kikumi, abantu bona mwebanainzanga okugenda era ebivu gyebitatera kubalumira. Era kitugwanira okubera namakubo amagazi okuva mu bisawe bino nokuita mu bibira.

46. Muinza okutegera nga bwemunakolanga ekigambo ekyokubiri, kwe kusawa, munaberanga ne mu kigambo ekyoluberyeberye, kubanga ebivu ebiinza okuluma abalwade bwebikendera, bwebatyo abalwade tebatera kulumibwa.

47. Abagavumenti baja okugezako okubabera okukola ebigambo ebyo byombi byembabulide, kubanga bategerede dala nga bwemunaba nga mukola bwemutyo bangi baja okuwona obutafa, era oluvanyuma abalwade banaberanga batono nyo. Naye tetuinzenga okutukiriza obulungi ebigambo ebyo byona kulwamwe wabula nga bwemunanyikiranga okutubera. Fe tetuinza kuziiza balwade bona obutatuka ku madzi. Mwe

muinza mweka okukola ekigambo ekyo buli muntu mu kyalokye. Temuja kuwayo bintu oba kufuba nyo okukola bwemutyo: naye munamalanga gasako omwoyo ebanga dene okutukiriza ebigambo ebyo. Era kinabanga kirungi nyo bwemunabanga nga muinza okukuma abakazi bamwe era nabana bamwe era nemikwano gyamwe obutafa mongota.

48. Era mu bigambo ebyokusawa ebibera nebisaka ebyetolola amadzi awali ebivu, maze okubabulira ebifo bwebiri ebisanide okulongosebwa bwebityo. Omulimu ogwo gunabanga munene, kubanga bwemunabanga mumaze okusawa, kinabagwaniranga okukuma ekifo nga ekisawe, okusimbamu lumonde oba emere endala efanana bwetyo eteinza kuletera ebivu ekisikirize: mpozi entungo oba ebinyuwebwa binamalanga. Tunainzanga okubalaga amabanga aganetagibwanga okusayibwa wegenkana, era ne bifo ebisanira okusayibwa mu bifo ebyo ebisawe gyebyetagibwa. Naye mu naku zino abo bona abasena amadzi gabwe awali ebivu kibagwanira okutanula okusawa awali amadzi, kubanga temuinza kusobya nokuitirira mu kusawa ebanga dene: naye kubanga ebifo ebyokusayibwa biri bingi, tunamalanga gakiriza okusawa amabanga ago goka aganainzanga obuziiza ebivu obutaja mu kifo kimu mu buli kifo ekisawe gyekinetagibwanga, abantu bona balyoke bagendengayo awatali kutya: era bwetunanyikiranga okukisako omwoyo tuja okuiga amabanga aganetagibwanga mu buli kifo wegenkana.

49. Manyide dala nga ebigambo biri bingi ku mongota byemunalaba nga bizibu okubitegera: era kulwensonga ezo mpozi omwoyo gulibagwa wala olwokutukiriza ebigambo byange byona. Manyi nga mu biro ebyeda, fe fena Abazungu era nabensi twaziizibwa nga tulowoza nti okuwangula mongota ebigambo ebiri bingi bwebityo ebyetagibwa okukolebwa, nga tetuja kuinza kubisobola, era olwensonga eyo tuli nga tetunaba kunyikira kukola kigambo ne kimu.

50. Naye njagala mutegere nga lero tutegede nga twasobya mu kulowoza bwetutyo, era twandisose da okukola nga bwetwali tuinza, naye twali tetunaba kutegerera dala ebigambo byetwali tutegede. Njagala mutegere nga buli kigambo kyetunainzanga okukola, newakubade nga kitono, kinagasanga okukolebwa, era oluvanyuma kinaletanga obulungi. Mujukire nga buli mulwade alobedwa obutalumibwa, era ne buli kyalo

awali ebivu ekisayibwa, era buli katale, ne buli muga ogulongosebwa, kinaziizanga ebivu bingi obutatwala kusigibwa okwo, era kinazizanga bangi obutasigibwa, era enaku nga ziita abantu balisinga nyo obutatera kukwatibwa bulwade obwo.

51. Mujukire era nga mu bivu bingi, ebitwala okusigibwa tebitera kubera bingi: kyekiva kisinga obulungi omuntu okulumibwa emirundi emitono okusinga emirundi emingi, kubanga bwatyo mpozi aliwona obutalumibwa ekivu ekirina okusigibwa.

52. Era ebivu ebiri okumpi ne kyalo ekitasayibwa, oba akatale oba muga ogutalongosebwa, oba ekifo ekirala kyona abantu gyebagenda bangi, bija okusinga okutwala okusigibwa okukira ebivu ebyo ebiri ku nyanja oba ku tale lyomuga abantu gyebagenda abatono: kyekiva kibera ekibi okulumibwa ebivu ebitono awali abantu abangi okusinga okulumibwa ebivu ebingi awali abantu abatono.

53. Obanga onomalanga gagenda ku mabali gomuga okunaba oba kusena amazi mpozi awali ekivu, kikugwanira okunyikira okugendanga mumakya, oba obude nga bugenda okuziba, kubanga ebivu tebitera kubaluma nyo mu bisera ebyo, naye biluma nyo omusana nga gwase.

54. Awali abalwade mongota abangi, era awali abantu abangi era nebivu ebingi, waliwo kabi kanene muleme okukwatibwa obulwade, naye obanga tunainzanga okuziiza abalwade obutaberayo bangi, era nebivu obutaba bingi, era nebanga eryokuluma bwelinaberanga tono, abantu tebaja kuinza kukwatibwa amangu obulwade obwo.

55. Maze okubabulira nga ensi tetera kubera nomugaso awatali bantu bangi, era nabantu bwebayongera okuba abangi era nokubera nobulamu bungi obwomubiri, era nokutula obulungi, ensi yabwe eneyongeranga okubera nungi eri abantu bayo. Kale Abagavumenti kyebava bagala okubawonya mongota, mwe era nabo balioke bafune omugaso munsi.

56. Era nkubulide nga Abazungu tebatya mongota kubwabwe, kubanga eda bali tebanaba kumulwala nyo, era ne lero baja kusala amagezi ago gembabulide mu bifo byabwe byona. Kale temuinza okubusabusa wabula nga Abagavumenti bamala okuwayo era bakyawayo ebintu bingi era nokute-

gana okungi balioke bakume mwe be nyini era nabantu bamwe era temuinza kulowoza nga bandikoze bwebatyo singa tebasubira oluvanyuma kuwangulira dala obulwade obwo.

57. Kale mugezeko mwena okukola nga bwetubagambye nti kirungi okukola kulwamwe, era obanga emirimu gibainze muje eri Abagavumenti mubabuze okubabera era nokubawa amagezi, era tunanyikiranga okubabera nga bwetunainzanga.

58. Mu biro ebyeda endwade endala ezi'ta abantu zamala oku'ta abantu mu Bungereza ne mu Bulaya abasinga abo aba'tibwa mongota Ebuganda Nebusoga, naye kubanga twamala okutegera endwade ezo bwezasigibwa, era kubanga twamala okunyikira nyo okukwata buli kagambo akainza okuziiza abantu obutazilwala, zakendera nokukendera ne lero okuzitya tetukyazitya newakubade nga tetunaba kufuna dagala eriinza okuziwonya.

59. Tusubira nga ekigambo ekyo kiribawo mu bulwade bwa mongota, newakubade nga mpozi tetuja kuinza kuvumbula dagala eribuwonya. Kubanga fena tumanyi nga tetuinza kugyawo bulwade obwo amangwago, naye abantu abalwade bwebalikendera, era nebivu bwebirikendera abantu gyebakung'anira: abantu abaja okusigibwa nabo balikendera, okutusa abalwade bwebalirabika abatono enyo mu bifo ebitali bimu, era nabo baliinza okukumibwa mangu nokuziizibwa obutalumibwa bivu ebiinza okusiga abalala.

60. Kale njagala mutegerere dala nga sinaba okubagamba nti ebigambo ebyo byombi byembategezeza nga kirungi okubikola binamalanga byoka, oba binamalanga okugyawo obulwade mu bifo byona, naye bye bigambo ebikulu bibiri byemunainzanga okwekolera, era nsubira nga bwemunabanga nga mukiriza okutubera binainzika okukolebwa mu Buganda era ne mu bifo ebirala era bija kulokola abantu bangi.

61. Tumanyi nga ebifo webiri, okusinga mu Busoga ne ku bizinga, ebivu webitambula ebanga deneko okuva ku ma'zi era mpozi abayo banamala gasawa amabanga amagazi: era nebifo ebirala webiri awali abalwade abangi, era nabantu mu bifo ebyo balyetaga okuberwa nyo okusinga abali walala. Kale tunamalanga gakola nga bwetunainzanga mu buli kifo. Era obanga tulaba ebigambo ebirala byetunainzanga okukola

kinatugwaniranga okugezako okubikola, era tukyasubira nga balivumbula edagala eriinza okuwonya mongota. Era naye newakubade nga bwebaliba nga bavumbula edagala eryo, kitugwanira okunyikiranga nga bwetunainzanga okuziiza obulwade obwo obwekitalo.

62. Era waliwo ekigambo ekirala kyenjagala okubabulira, naye kikulu newakubade nga mpozi muinza okukinyoma. Ekigambo ekyo kikino, nti Mwena kibagwanira okutegerera dala ekivu ekyo ekitwala mongota bwekifanana: kubanga olusi bwetubuza Abaganda okutuletera ebivu ebyo, batuletera nsowera endala eziinza okuluma so si kivu kye nyini, newakubade nga mpozi biitibwa erinya limu nti "kivu": era olusi batubulira nga ebivu gyebiri egindi, songa bwetumala okutukayo tusangayo ensowera endala eziluma abantu so si bivu. Ebivu bilabika byoka awali kisikirize kinene ku lubalama lwamadzi, era tebigenda wala okuva ku madzi, naye ensowera endala eziluma zirabika wona wona. Kale kyekinavanga kibagwanira okutegerera dala ebivu ebyo bwebifanana, kubanga bwemunabanga nga temubimanyi temuja kuinza kutegera obanga webiri mu bifo ebirala nantiki tewali: era temuja kuinza kutegera gyekibagwanira okusawa, era obanga ebisawe bino bibigobye, era temuja kuinza kuwona okulumibwa.

63. Kale tuja okutesa okubawa abantu bona abagala okulaba ebivu bwebifanana ebanga eryokubilaba.

64. Sogede mu banga bwenjogede nga tetuinza kubera bantu abatayagala okwebera boka, kubanga twalaba nga tuziizibwa nyo abantu be nyini. Twagambanga abantu Ekyagwe ne mu bifo ebirala ebiri ku lubalama lwenyanja nti "Musula wano awabi awali bivu bingi nabalwade ba mongota bangi, era bwemunaberanga nga bwemuli kakati temuleme kufa bulwade obwo, mwe nabantu bamwe bona, naye bwemunagyangawo enyumba zamwe nemuzizimba walako nenyanja, era nemusawa olugudo olugazi okutuka ku nyanja gyemugenda bulijo, akabi kamwe kaliba katono okusinga lero." Oba twagamba abalala nti "Musula mu bibera bingi amadzi nga gabali kumpi erui nerui, ebivu webiri bingi era ne mongota gyali oba obulwade obwo bunatuka mangu. Obanga temuinza kusawa bibera bino byona okugoba ebivu, kibagwanira okugyawo enyumba zamwe

nokuzizimba walako awalungi, era nokusawa olugudo ku nyanja gyemugenda okusena ama'zi, kubanga bwemutakola bwemutyo temulirema kulwala mwena mongota nokufa mulifa." Abantu olusi nebadamu nti "Bajaja bafe baberanga wano nebafira wano, nafe tetwagala kuvawo: bwetunamalanga gafa kale tufe." Kale omuntu yena kumwe anainzanga okudamu ku bantu abali ngabo nokubagamba nti "Bajaja bamwe bwebaberanga wano obulwade bwa mongota bwali tebunaba kumanyibwa era nebivu byali tebiinza kuba'ta. Singa bategera nga bwetutegera lero tebandibade basirusiru kubera wano mu kifo ekifanana nga kino nebatanyikira kwekuma." Era nemuinza okwogera amazima nti "Mwe abogera era abakola bwemutyo mwelowoza mweka, era nemulowoza okutula kwamwe kwoka, omuntu kwatainza kulowoza. Abana bamwe batya? bemuleka gyebainza oku'tibwa era abatanaba kukula okutegera akabi bwekali nokwerokola. Era mikwano gyamwe nebaliranwa bamwe batya? Gyebali muliyongera akabi akokufa kubanga bwemuba nga mulwala obulwade obwo, mulilwayo nga muli balwade, era kubanga muli mu kifo ekifanana bwekityo mulisiga ebivu bingi ebinainzanga okutwala obulwade eri abaliranwa bamwe era neri bagenyi bamwe era neri bantu abaja okulambula ekyalo kyamwe: era namwe mweka nga mugenda mu butale ne mu bifo ebirala muliinza okusiga ebivu wona wemunagendanga."

65. Kale mulabye bwekibagwanira buli muntu yena okunyikira okwekuma obutatwala mongota kulwa balala era ne kululwe: era nabo abatagezako kumusegulira abo ke kabi eri abantu abalala bona.

66. Kale buli muntu kyanavanga anyikira nga bwanainzanga okukola nga bwekimugwanira mu kigambo kino: era nokubera abalala okukola nga bwekibagwaniranga.

*(Erinya)* AUBREY. D. P. HODGES.

*Medical Officer in Charge*

*S. S. Extended Investigations.*

*August 31st. 1906.*

Nzikiriza nesanyu ekigambo Dr. Hodges kyeyambuza okwongera ebigambo ebitono okunyuweza ebibye nga bikubibwa ekyapa.

*(Erinya)* ALBERT R. COOK.

*August 31st, 1906.*

Maze okusoma ebigambo bya magezi munange Dr. Hodges byeyawandikira Abaganda okubategeza ebya mongota, era njagala okubabulira bwendowoza ebigambobye bya magezi, era Abami Abaganda era nabantu bona bwebaliba nga bakwata amagezige, obulwade obwo obwekitalo tebulirema kukendera, era buligwawo dala mu bifo ebirala.

Mwe Abaganda mulina olugero nti "Lubale mbera ngotadeko nembiro" kale lero Katonda yateka mu mutima gwa munafe oyo okubawa amagezi amalungi era gye mirimu gyamwe okunyikira okutukiriza ebigambobye byona.

*(Erinya)* ALBERT R. COOK.

*Namirembe.*

LONDON SCHOOL OF
LIBRARY
TROPICAL MEDICINE

LONDON SCHOOL OF
LIBRARY
TROPICAL MEDICINE